



2021-2026

MANIFESTO

NATIONAL UNITY PLATFORM

**LUGANDA
TRANSLATION**

**A NEW
UGANDA**



ENDAGAANO YA NUP N'ABANTU BA UGANDA

2021 – 2026

Akalulu kowa NUP oba oyagala bino wammanga byebiba bikolebwa:

Buli gavumenti byekola ebikola ku lwa bulungi bwa munnansi;

Buli munnansi afuna ebyenjigiriza n'obujanjabi eby'omutindo gwawaggulu;

Enkulakulana eteriimu ku sosola;

Okukuuma butiribiri ettaka, n'ebyobuggagga byensi, n'obutonde bwensi;

Okukuuma butiribiri eby'okwerinda bya Uganda n'okutumbula enkolagana ennungi n'amawanga amalala.

Contents

| | |
|---|----|
| ENDAGAANO YA NUP N’ABANTU BA UGANDA..... | 1 |
| 2021 – 2026 | 1 |
| ENKOLA YA NUP | 5 |
| Okutaasa ssente ezibbibwa | 6 |
| ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM..... | 7 |
| Ekkomo ku Bulagajjavu n’ensaasanya Ey’ekyeyononere | 7 |
| ENKOLA YA NUP | 8 |
| OKUFUNA EBY’ENJIGIRIZA N’EBYOBULAMU EBITUKANA N’OMUTINDO | 9 |
| ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM..... | 9 |
| OMUTINDO GW’EBYENJIGIRIZA ERI ABANTU BONNA..... | 9 |
| OKUTUMBULA OMUTINDO GW’OKUKOLA OBULUNGI MU MASOMERO GA PRIMARY..... | 10 |
| OKUSOMA KWA SECONDARY | 11 |
| ENYINGIZA Y’ABAANA N’EMMALIRIZA MU MASOMERO GA SECONDARY | 11 |
| OKWONGERA AMAANYI MU KUTENDEKA EMISOMO GY’EKIKUGU | 11 |
| EBY’ENJIGIRIZA MU UNIVERSITY:..... | 11 |
| EBY’OKUNONYEREZA N’ENKULAKULANA..... | 12 |
| OBUYAMBI OBUVA MU MAWANGA AG’EBWERU..... | 12 |
| ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM..... | 12 |
| ENKULAKULANA ERI OMWANA OKUVA MUNTANDIKWA: | 12 |
| ENYINGIZA YA BAKOZI: Okuzimba okusomesa okw’omulembe. | 13 |
| AMATENDEKERO G’EBYEMIKONO: | 13 |
| Okukakasa nti pulogulamamu zino Abavubuka banna Uganda baziganyulwamu tulina kukola bino: | 13 |
| EBY’ENJIGIRIZA KU UNIVERSITY | 14 |
| OKUSOMA KW’EKIKULU: | 14 |
| ENFUNA YA MAZZI..... | 14 |
| ENKOLA YA NATIONL UNITY PLATFORM..... | 14 |

| | |
|---|----|
| EBY'OBUYONJO..... | 15 |
| ENKULAKULANA MU BY'EBYENFUNA EY'AWAMU | 16 |
| ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM..... | 16 |
| EBY'OBULIMI N'OBUVUBI..... | 16 |
| ENTEKATEEKA YA NUP | 16 |
| OKUSUBULA MU NSI Z'EBWERU | 18 |
| OBU KAMPUNI OBUTONO N'OBUDDIRIRA..... | 18 |
| EBIBIINA BYA KATEMBA N'OKUYIMBA..... | 18 |
| ENTEKATEEKA YA NATIONAL UNITY PLATIFORM..... | 19 |
| OKUYAMBA MU NYINGIZA YA MAKU MU BYOBUKUGU N'OKWONGERA MU BIKOLEBWA..... | 19 |
| ENKOLA YA NUP | 19 |
| ENJAWULO KU KIKULA KYA BANTU MU BY'OBULAMU, EBY'ENJIGIRIZA N'ENKULAKULANA MU BY'ENFUNA..... | 20 |
| ENKOLA YA NUP | 20 |
| ABAKYALA KU MIRIMU | 20 |
| Abantu abaliko obulemu ne by'etaagisa mu kusoma: | 20 |
| EMBALIRIRA Y'EBYE'NSIMBI..... | 21 |
| Okwekenenya Amabanja | 21 |
| Okukomya okufirizibwa | 21 |
| Okukomya okufirizibwa: Okusasulira projects ezitatambudde bulungi | 21 |
| ETTAKA, EBY'OBUGAGGA EBY'ENSIBO N'OKUKUUMA OBUTONDE..... | 23 |
| ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM..... | 23 |
| Ettaka: | 23 |
| Okukuuma Obutonde:..... | 23 |
| Eby'obugagga Eby'omuttaka: | 24 |
| Okuukuma Ebitonde n'Ebirime: | 24 |
| EBY'OKWERINDA MU GGWANGA..... | 26 |
| ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM POLICY..... | 26 |

| | |
|---|----|
| TUZZEEWO EKITIIBWA KYA POLICE EKYAGGWAAWO: | 26 |
| ENKOLA YA NUP | 27 |
| Okukyuusa mu Magye | 28 |
| Ebiggwa Bitalaganye | 28 |
| ENKOLAGANA N'AMAWANGA AG'EBWERU | 29 |
| Obukuumi ku Banna Uganda abali mu nsi z'ebweru..... | 29 |

ENKOLA YA NUP

Emyezi egisooka omukaaga:

Mu myezi gyaffe omukaaga egisooka tujja kuteekawo enkola etuusa ku bantu ebyenjigiriza n'obujjanjabi ebiganidde kulwanyisa obwavu wamu n'okulinyisa ebyenkulakulana.

Embalirira y'omwaka 2020/21 esuubirwa okuba ya busirivu 45.47, zino zijja kuva mu misolo, n'amakubo amalala. Tusuubira busirivu 21.7 n'obulala 3.35 okuzewola okuva mu Banka ezabulijjo (72.5%). Obuyambi okuva mu mawanga ag'ebweru wamu nabatutumufu mu byenkulakulana mu nsi yaffe, basuubirwa okudduukirira ebitundu 27.5.

Wewaawo, okufiirwa mu misolo kusuubirwa. Omwaka gwa 2018/19 ebitundu 76 ku buli 100 okuva mu misolo egisolozebwa okuva mu gavumenti eya wansi zokka zezafunibwa. Mu bifo ebimu baasobola kukunjaanya ebitundu 75 ku ezo zebaali basuubira. Abakulembeze ba Disitulikiti bategeza nti kino kyava kunkunjaanya embi eyava ku kutematemamu gavumenti ezawansi wamu n'okusala embalirira mu ngeri etali nnujjamu.

Tuteberaza nti omwaka 2021/22 omusolo ogukunjaanyizibwa ggwakukka nnyo olwa bino:

- a) Olw'embeera y'omuggalo
- b) Okutondawo obutundu 42 obwa gavumenti ez'awansi obujja.

Obuyambi okuva mu mawanga ag'ebweru nabwo busuubirwa okukendeera okusinzira nga bwekibadde buli mwaka. Mu mwaka 2018/19 Shs. 131,084,401,244 zino zaali zakuva mu begassi mu by'enkulakulana okudduukirira eby'obulamu n'ebyenjigiriza ebitundu 65 eby'embalirira yabatuddukirira okuva mu nsi z'ebweru ze zafunibwa nga zino zaali shs.84, 666,243,311. N'olw'ensonga eyo kyetaagisa okusala amagezi amalala okujjuza eddibu eryo.

Omwaka gwa 2020/21 amagoba agasasulibwa okuva ku mabanja agewolwa ziwera obuwumbi 4. Embalirira y'amagoba agasasulwa nnene okusinga obuwumbi 3.6 ezabaliribwa ku byenjigiriza. Obuwumbi 2.7 nga bwakukola ku byabulamu n'akawumbi 1.3 nga zino za byabulimi.

Eky'okubiri, ssente gavumenti eno eriko zetegeka okwewola okuva mu Bank eziri mu ggwanga mu mwaka 2020/21 kyenkana zenkana n'amagoba agasasulibwa abewozi okuva ebweru. Mu bufunze, gavumenti eno eriko egeezaako okwewola okuva mu bewozi abamu okusobola okusasula abalala.

OKUKOMYA OKUDIBUUDA SSENTE ZA GAVUMENTI

Tujja kuvujjirira entegeka zaffe nga tukozesa engeri zino ennya okusobola okukomya obulyake.

1. Ensaasanya etalina makulu yakukomezebwa bunambiro. Tukizudde nga essente nyingi zisobola okununulwa. Enkola ey'okuzuula ensaasanya ey'ekyeyononere yakutandikibwaawo.
2. **Okukyuusa empeereza eri abantu.**
 - Ngatutondawo akabinja akakozi ak'okukwanaganya ebikolebwa mu Bitongole.
 - Okujjawo ebifo eby'obufuzi ebilondebwa nga tebilina makulu.
 - Okuzzaawo ensimbi za gavumenti eziririddwa mu nguzi nebitatukiridde okuva ku nsako y'abakulu abawummula ate nga be bavunanyizibwa ku ssente ezibulankanyizibwa.

- Tutandikewo enkola ey'okulwanyisa enguzi nga tuyisa amateeka agakiriza eggwanga okulondoola ensobi ezikolebwa mu nsaasanya ya ssente y'omuwi w'omusolo. Abakulembeze banawebwanga obuyinza okwekennya ssente z'omuwi w'omusolo naddala awasuubirwa enguzi.

Tujja kujjawo enkozesa embi ya ssente ezewolebwa okukulakulanya omuntu wa bulijjo

Ebbanja gavumenti ly'eyewola mu mwaka gwa 2018/19, okukola ku by'obulamu n'ebyenjigiriza zakozesebwa bubi okugeza nga; Entegeka ya (UgIFT) obukadde bwa doola 106.8 zewolebwa okwongera okusitula eby'obulamu n'ebyenjigiriza mu gavumenti z'ebitundu. Amasomero agaali ag'okuzimbibwa mu Magombolola 242 tegazimbibwa olw'embalirira okukelewa. Ekintu ky'ekimu kyabaawo mu Matendekero amakulu mu mwaka 2018 Obukadde bwa doola 200 ez'ebyenjigiriza bakozesaako obukadde bwa doola 60 zokka bye bitundu 30 ku buli 100 kubanga gavumenti yali eremeddwa okutuukiriza omutemwa gwaayo. Ku bukadde bwa doola 21.8 ezewolebwa okusitula emisomo gy'emikono (USDP) ebitundu 19 ku buli 100 byokka ze zakozesebwa. Ekiseera enteereza ya amatendekero ga "Science ne Technology" weyafundikirwa, ebitundu 53 ku buli 100 ez'ebanja ze zaali zikozeseddwa. Enteereza y'okusitula abasomesa n'amasomero (UTSEP) yafundikirwa mu mwaka gwa 2019 oluvanyuma lw'okukozesa ebitundu 54 ku buli 100 okuva ku bukadde bwa doola 100 obwewolebwa.

- Tujja kuteeka ensimbi mu ntereeza ye by'obulamu n'ebyenjigiriza, amatendekero ag'awaggulu n'okubangula Abavubuka nga tuyita mu kuteeseganya olwa amabanja agewolebwa naye negatatuukiriza kigendererwa. Enkozesa embi ey'ebanja eyaletera gavumenti okulemererwa okutuusa obwetaavu ku bekikwatako. Enkozesa eyoyakusaanyizibwaawo. Tulina okulaba nga ensimbi ezibaliriddwa olw'ebitongole byenjigiriza ne by'obulamu zifulumizibwa.
3. Enyongereza ku mbalirira okuva mu bitongole eby'amaanyi ebikozesa ensimbi z'ebitongole obubi teja kuyisibwanga.

Okukebera Amabanja

- Tujja kutunuulira amagoba agasasulibwa ku projects ezitaaturikirira olw'obulagajjavu bwa bawola oba enguzi efumbekedde mu bewozi ne nkola embi eyagadibe ngalye. Ensaasanya ey'ekyeyonerere eja komezebwa, ensimbi ezinabanga zitasaididwa ziyambe mu kutekesa mu nkola ebiba biremye.
- Tujja kuzimba omusingi ogw'enkola ya gavumenti ey'amazima n'obwenkanya, buli Munnansi asobole okufuna eby'enjigiriza n'ebyobulamu ebigwaanidde okwo gattako ekwekulakulanya mu by'enfuna, okukuuma ettaka, eby'obuggaga eby'omuttaka n'obutonde, eby'okwerinda mu ggwanga lyaffe ne nkolagana ennungi n'amawanga amalala. Eby'okukola byonna bissengekeddwa mu Manifesto yaffe.

Okutunula mu abagereka emisolo

Amakampuni mangi emisolo gyaago tegiri mu mateeka. Ekibiina kya NUP kyakulondoola emisolo gyonna egyigerekebwa ne kigendererwa ekyokwongera ku misolo egisolozebwa.

Okutaasa ssente ezibibwa

NUP eja kukola kyonna ekisoboka okununula ssente za gavumenti ezibibwa n'enkozesa eyagadibe ngalye nga elunnamizibwa ekitongole ky'ebyensimbi (PAC) ne kya (COSASE). Tusubira mukwano gyaffe mu byenkulakulana bajja okutuyambako okukomyawo ssente ezabawebwa.

OBUFUZI BWA BANTU ABALI AWAMU

ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM

- Okussawo ekkomo ku kisanja ky’Omukulembeze we ggwanga.
- NUP ejja kutandikawo gavumenti enyikidde nga yesigamye ku mateeka.
- Banna Uganda bajja kwesiimira mu bufuzi obussa ekitiibwa mu mu ddembe ly’abantu n’okukulembeza amazima n’obwenkanya n’obwerufu n’okuba eggwanga erirumirirwa.
- Okussaawo obwesigwa n’okwekiririzaamu mu byenfuna, eby’obusuubuzi bijja kwetaaga okulungamizibwa obufuzi obulungi nga gavumenti eyamba amakolero ag’obwanannyini okutondawo emirimu wamu nokulakulana.

ABAKYALA OKWENYIGIRA MU KUSALAWO KWEBY’OBUFUZI

- Nga balambikibwa Manifesto y’abakyala eya 2016 – 2021, NUP ejja kwongera omuwendo gwa bakulembeze abakyala mu by’obufuzi ku buli mutendera gwonna ebitundu 50 ku buli 100 nga batambulira ku ndagaano ya Africa. “Africa Charter” ey’a mazima n’ obwenkanya, okulonda n’okufuga mu gavumenti eyanguyira Bannansi.

OKUKYUUSA EMPEEREZA ERI ABANTU

Eri enkola ennungamu eya gavumenti ya NUP bino bye by’okukola:

- Okukwanaganya ebitongole bya gavumenti (MDAs)
- Okukendeeza ku muwendo gw’abatuula ku lukiiko olukulu (kabineeti) okutuukira ddala ku bantu 25.
- Okukendeeza ku bakiise mu lukiiko lw’egwanga (parliament) okutuuka ku Bantu 150.
- Okujirawo ddala okulonda ebifo by’obufuzi ebitalina makulu.
- Okussa essiira ku ndaagano y’obukozi wakati w’abakulu ab’okuntikko ne gavumenti.

OKULWANYISA ENGUZI

- **Kalondoozi we ggwanga:**

Okutongoza amateeka aga nayamba bakalondoozi ku nsasaanya ya gavumenti. Omukungu wa gavumenti anavunanyizibwanga ku kutegeeza eggwanga okunonyereza okuba kukoledwa mu office eyo.

- **Obukuumi ku Bakessi/Abanonyereza ku bikyamu ebikolebwa.**
- **Okununula eby’obugagga eby’ensibo okuva mu mikono gya balyake.**

Ekkomo ku Bulagajjavu n’ensaasanya Ey’ekyeyononere

- Ensaasanya ey’ekyeyononere erabikira mu mitaango gavumenti gyesasula oba obusiimo obuweebwa kkooti mu bulagajjavu ekiviraako ebbula ly’ensimbi mu mirimu egitekeddwa okukolebwa.
- Omuwendo gw’ensimbi ezayononebwa wakati wa 2014/15 ne 2018/19 zenkana obuwumbi 24,909,253,883 buli mwaka. Zino zikubisaamu emirundi 15 ensimbi ezandiwereddwa abaana be ggwanga abawala okuva ku ttendekero erisooka okutuuka ku matendekero g’ebyemikono okusobola okubagulira ebikozesebwa mu budde bwabwe obw’ensonga z’ekikyala nebatafiirwa kugenda ku ssomero.

- Obukulembeze bwa NUP bujja kufuba okulaba nga abakozi ba gavumenti mu ggwanga bavunanyizibwa ku babulankanya ensimbi y'omuwi w'omusolo bavunanibwa n'omunyago gubagibwako. Ensimbi ezinabanga zikomyewo okuva mu bukumpanya zinakolanga emirimu egy'etaagisa.

ENKOLA YA NUP

Obukulembeze bwa NUP bujja kukakasa nti obwenkanya butuuka ku buli muntu nga wabaawo enkolagana n'abo bekikwatako okujjawo emiziziko eri obwenkanya.

OKUMANYISA EDDEMBE LY'OBWEBANGE

Okuziyizibwa okumanya eddembe ly'obwebange oba n'okutyobola eddembe ly'obwebange birina okwongera okulongosebwa mu nkola ya kkooti.

OKUJJAWO EMIZIZIKO KU BYENFUNA:

Abantu tebasobola kufuna bwenkanya nga Kkooti z'abalamuzi ebitundu 26 ku buli 100 bokka bebalina olukusa ku ssente ezikiriziddwa gavumenti okusasula abawaabi.

OKWANGUYIRIZA OKUSALA EMISANGO

Ekiseera ekigere eky'emisango okuwulirizibwa gyandibaddde emirundi essatu ku ena. Kino kijja kukolebwa nga twongera ku muwendo gwa balamuzi ku mitendera gyonna awamu n'okuzimba District Courts.

OKUJJAWO EMIZIZIKO MU BY'ENSIMBI NE ENDABIKA MU BW'OMUNTU

Abantu abaliko obulemu basosolwa nnyo naddala mu bifo webandifunidde okuyambibwa okufuna okusomesebwa n'okutendekebwa.

OKUFUNA EBY'ENJIGIRIZA N'EBYOBULAMU EBITUKANA N'OMUTINDO

Eby'obulamu n'ebyenjigiriza biyamba mu engeri y'okulabiriramu obulamu, ennungi n'okufuna amagezi n'obukugu obwetaagibwa mu bulamu.

Obukuumi obutegekeddwa obulungi buziyiza abantu okugwa mu buzibu oba okusigala nga banakuwavu.

ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM

OMUTINDO GW'OBUJJANJABI ERI ABANTU BONNA

- NUP etegese okutuusa eby'obulamu ebiri ku mutindo ku Bantu bonna okuva ku bulwaliro obusookerwako okutuuka ku manene.
- Okwongera okussa ensimbi mu kitongole kye by'obulamu okutuuka ku bitundu 15 ku buli 100 ebyakkanyizibwako mu kiwandiiko ekyakolebwa mu Abuja.
- NUP eneteekesa mu nkola endaagano y'okukuuma obulamu bwa Bannansi giyite "Insurance" nga baganyulwa mu by'obujjanjabi ebiri ku mutindo.
- Ensimbi ezibadde zononebwa zakutekebwa mu ntereeza y'endya ennungi mu ggwanga.
- Okumaliriza ebizimbe ebitannaggwa, n'okutuusa ebitazimbibwa ku mutindo, okujjawo ebikaddiye n'okuzimba ebifo ebijjanjabirwamu mu byalo.
- NUP ejja kwekennyanya ensasula y'abakozi n'enkola y'abakulu mu Malwariro okusobola okutondawo enkola empya mu ngeri y'okujjuza omuwaatwa.
- Obukulembeze bwa NUP bunakkaanyanga ne Banka y'ensi yonna n'abawola abalala okukomya okufirizibwa n'okusazaamu amabanja agatakola makulu. Ssente ezinabanga ziterekeddwa zinakozezebwa okutandikawo ensako ey'okulabirira eby'obulamu mu ggwanga (National Health Insurance Scheme).
- Ensimbi endala ezinaavanga mu bitongole bye ggwanga zijja kutekebwa ku by'okwerinda.

OMUTINDO GW'EBYENJIGIRIZA ERI ABANTU BONNA

NUP mbagilawo, ejja kukuusa eby'enjigiriza bya Uganda nga egoberera bino wammanga:

Tujja kufuba okuzzaawo entegeka ennungamu okulaba buli ssomero mu Uganda lifuna ebyetaago byonna n'abakozi abamala.

- Okwongera okuteeka ensimbi mu kitongole ky'ebyenjigiriza.
- Okussa ensimbi mu kusoma kw'awaka ne mu nkuza y'abaana.
- Okuwa buli mwana ekya ky'eyetaaga ekirungi mu bulamu, ensimbi zakutekebwa mu kusoma kw'ebyalo (HLCs) okulaba nga abazadde benyigira mukuyiga kwa baana babwe, okuba n'obuyinza okutandikawo okusoma kw'awaka, okussa ekitiibwa mu nnimi ez'obuzaliranwa n'okumanya enjawulo mu by'obuwangwa ne nnono. Ebibiina bya HLCs binakirizanga omwana okusomesebwa ku mulirwano okwewala engendo empanvu.
- Okwongera ebyetagibwa mu kusoma kw'abaliko obulemu.
- Okwongera okuyingiza abayizi mu masomero ga Primary.
- Okulinyisa ku muwenda gw'abayizi aba Primary amamaliriza okuva ku bitundu 38 ku buli 100.
- Okunnyikiza okusoma n'okuwandiika okuva ki bitundu 33 ku buli 100 n'okumanya okubala okuva ku bitundu 45 ku buli 100.

- Enkozesa ye bitabo eri abaana yakwongerwako, okuva ku ebitabo 5 eri abaana babiri kibeere, abaana babiri buli kitabo.
- Okuzzaawo enkola y'ebifo ebisomerwamu ebitabo "Library" mu ggwanga n'okutandikawo ebirala mu byalo.
- Enkola empya ey'okukozesa ebifo ebisomerwamu ebitabo etekebwe mu nkola.
- Okujjawo emiziziko ku by'enjigiriza.
- Okulwanyisa eby'obuyonjo watekebwe Bukabuyonjo nga buliko enzigi nga buli kasenge kakozesebwa abaana 40 so ssi 75.
- Okuteeka ebikozesebwa abaana abawala abavubuse mu budde bwabwe obw'ensonga.
- Okujjawo obuzibu bw'olulimi mu kusoma nga tutandikawo okusoma mu lulimi oluzaliranwa naddala mu bibiina ebya wansi.
- Okukendeeza okwosayosa nga tujjawo ekizibu ky'obutalya. Ekijjulo kimu kinafunibwanga ku Ssomero.
- Okuddabiriza amasomero n'okugassa ku mutindo.

OKUTUMBULA OMUTINDO GW'OKUKOLA OBULUNGI MU MASOMERO GA PRIMARY.

- Okujjawo okwosayosa okuliwo kati nga kino kituuka ku ebitundu 25 ku buli 100 eri abasomesa n'abayizi. Tujja kukedeza abasomesa n'abayizi okwosayosa.
- Okusikiriza abasomesa abalina talanta mu kusomesa nga bongezebwa omusaala.
- Tuzzeewo okusasula obulambuzi bwa masomero obwakoma okusasulibwa mu mwaka gwa 2016.
- Olukiiko olukulira e ssomero luweebwe obuyinza obujjuvu. Abakiise ebitundu 50 ku buli 100 balina kuba bakyala.
- Okukendeeza engendo empanvu okutuuka ku masomero ga primary agali mu buwanvu bwa kilometer 1 gabe mu kitundu kya kilometer nga mu kino amasomero mangi g'akuzimbibwa.
- Okufaayo ennyo ku baana abaliko obulemu n'abatesobola.
- Okuzzaawo enkola ennungamu etuusa eyebikozesebwa ku masomero.
- Okukendeeza omujjuzo mu bibiina.
- OBUKUUMI KU MASOMERO
- Okwongerera okumanyisa omugaso oguli mu kusoma kwabaliko obulemu, nga tutendeka abanayamba mu byenjigiriza by'abaliko obulemu n'abazadde okufuna ebyetaago by'abaliko obulemu.
- Okuwagira enkyukakyuka mu kuyigiriza mu lulimi oluzaliranwa ngatulinyisa omuwendo gwe ebitabo ebiwandikibwa n'ebyetagisa mu kusoma mu nnimi za Uganda nga biwandikiddwa banna Uganda n'abayiia abalala.
- Amasomero gabeere ekifo eky'eyagaza eri abaana abawala ne bwe baba bali mu nsonga z'ekikyala.
- Ebikozesebwa abaana abawala bibeewo.
- Okukakasa nti amasomero galina kabuyonjo ezirina ebikozesebwa.
- Okulwanyisa obukambwe mu Masomero.
- Okufunira abaana eky'emisana naddala abo abatesobola nga tweyambisa ebikunganyiziddwa okuva mu bitundu amasomero gyegali. Kino kiyinza okukolebwa mu ngeri y'okusasula mu

buliwo era kiyamba okwewala okubulirirwa ebifumbisibwa n’obutaba na tterekero ly’emmere era n’ekisitula n’ebyenfuna eri abalimi b’omukitundu.

- Amasomero gongerweko ebyetagisa mu kufumba n’awaalirwa.

OKUSOMA KWA SECONDARY

ENYINGIZA Y’ABAANA N’EMMALIRIZA MU MASOMERO GA SECONDARY

- Okulinyisa omuwendo gw’abayise okuva mu Masomero ga Primary okuyingira aga Secondary ebitundu 60 ku buli 100.
- Okulinyisa omuwendo gw’ababadde bakoma mu bibiina ebisooka mu Masomero ga Secondary, ababadde ebitundu 30 ku buli 100 badde (ebitundu 29.9 ku buli 100 abawala ne bitundu 31.5 ku buli 100 abalenzi).
- Okulinyisa omuwendo gwa bawala abakoma mu bibiina ebyawansi mu masomero ga Secondary okuva ku bitundu 29.9 ku buli 100.
- Okukendeeza ku muwendo gwa bayizi abakoma ku mutendera gwa wansi mu masomero ga Secondary (ebitundu 37.9 ku buli 100 – abawala ne 36.4 ku buli 100 – abalenzi)

OKWONGERA AMAANYI MU KUTENDEKA EMISOMO GY’EKIKUGU

- Okulaba nga ssente ezewolebwa okukola mu kutendeka emisomo egye’kikugu zikozesebwa ku ekyo ekigendererwa. Amabanja agaludde, NUP ejja kugakolako okuyamba okuteeka ensiimbi mu misomo gy’ekikugu.
- Okwongera amaanyi mu Project ya *Omusomesa wa Uganda ne Ssomero Eritukiridde* (UTSEP) 2015 – 2018
- Mu kiseera kya project ya UTSEP omutindo gw’okusoma n’okuwandiika wamu n’okubala mu masomero ga Primary gwakkira ddala.
- Ebbanja erya bukadde bwa doola 100 eryaweebwa UTSEP Project lyagwaako nga ebitundu 54 ku buli 100 byebikozeseddwaako.
- Project y’amatendekero ag’awaggulu aga Science ne Technology (HEST) nayo teyatambula bulungi.
- Amatendekero agaaganyulwamu gaalemererwa okuwa ensaasanya ya kawumbi 1. Ekyaletera ensasula okuyimirizibwa. HEST yaweebwa ensimbi okuva mu Global Partnershi Fund okutambuza eby’ensoma ebyali byetaagibwa ennyo mu budde bwa Ssenyiga Omukambwe.
- Project ey’okukulakulanya eby’ekikugu mu Uganda (USDP) ne MOES (World Bank) 2016 -2021.
- USDP yaweebwa ensimbi okuva mu Bank y’ensi yonna obukadde bwa doola 21,800,000 okutendeka Abavubuka emitwalo ena mu enkumi taano nga bano baali bakufuluma n’obukugu mu mirimu mu Centres 4 ezibanguddwa ennyo (CoEs) okwo gattako Amatendekero g’eby’emikono 12.
- Eky’ennaku, ebitundu bibiri ku buli kikumi byokka bye byakozesebwa.

EBY’ENJIGIRIZA MU UNIVERSITY:

Uganda erina University za gavumenti 8 nga ogasseeko ne Makerere, ne ndala bbiri ezigaba Degree eziri ku ddala ery’okubiri. Ebitundu 5 ku buli 100 eby’abavubuka ab’emyaka egiyingira mu Matendekero ag’eddaala eryokusatu, ebitundu 4 ku buli 100 bya bakazi abagwaanidde ne bitundu 5.9 ku buli 100 bya basajja abagwaanidde abo bebayingizibwa mu tendekero ery’eddaala ery’okusatu. (World Bank, 2014).

Omuwendo gw'ensimbi ogwawebwayo okutambuza University za gavumenti zaali obuwumbi 606.09 (doola 163,220,340.00) mu mwaka gw'eby'ensimbi 2017/18. Ssente ezo ziva mu bayizi ab'eweerera okwo nga ogasseeko ensimbi ezituweebwa okuva ebweru w'eggwanga n'ebyo ebivaamu ensimbi eby'omu ggwanga lyaffe. Amasomo ga bayizi agasiinga gasasulirwa buwanana kumpi kwenkana nyingiza ya Uganda ezikunukiriza doola 800 oba eza Uganda 2,971,608. Enkumi nnya okuva ku mitwalo 20.091 eza bayizi abawerera gavumenti e Makerere basula bweru. bano baweebwa ensimbi ez'okusasula w'ebasula n'ebyokulya.

Kumpi ebitundu 59 ku buli 100 ebyembaalira zikola ku kusasula bakozi, ebitundu 11 ku buli 100 zikola ku nsasaanya ya bayizi n'ebikozesebwa. Ebitundu 2 ku buli 100 bigenda ku nkulakulana ya bakozi. N'amatendekero agali ku ddala ery'okusatu gali mu mbeera y'emu.

EBY'OKUNONYEREZA N'ENKULAKULANA

- Okwongera ensimbi mu kunonyereza n'ebyenkulakulana okuva ku kitundu 1 ku buli 100 eza project za gavumenti ez'ebyenkulakulana (GDP)
- Okwongera ensimbi mu kitongole ky'eby'okunonyereza e Makerere okuva ku ezo ezibadde ziweeba gavumenti, ekitundu kimu ku buli kikumi.
- Okwongera ensimbi mu Tendekero erikola ku kunonyereza akawuka mu Uganda.

OBUYAMBI OBUVA MU MAWANGA AG'EBWERU

Abegassi mu byenkulakulana nga 4 bawayo Sikaala 339 eri Abayizi ba Uganda.

- Okukozesa Sikaala 248 ezitaliko ky'ezikola ezatuweebwa okuva mu mawanga ag'ebweru.
- Okuteereza mu ngaba ya Sikaala ezo. Olukiiko olukulu oluvunanyizibwa ku kugaba Sikaala telukola nga ate ekitongole kya Foreign Affairs ne ky'ebyenjigiriza bigenda mu maaso okulemesa abavubuka okwefunira omukisa ogwo.

ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM

ENKULAKULANA ERI OMWANA OKUVA MUNTANDIKWA:

Buli mwana anaweabwa ekisingayo obulungi mu ntandikwa y'obulamu bwe.

Tujja kuwa omwana w'eggwanga entandikwa ennungi mu bulamu bwe. Kino kyakkanyizibwaako mu NUP nti buli mwana nga tetutunuulidde nsibuko ye alina okuweebwa omukisa okumalako mu bulamu bwe. Omwana okuva ku myaka 3 okutuuka ku 5 kya teeka okufuna emyaka 2 egy'eby'enkulakulana.

Okutandikawo amateeka ag'omulembe, eneyisa, n'embeera ya ECD okulaba nti ekifo ekikolerwamu kituukana n'omulembe era nga kikulemberwa bayivu.

NUP ejja kufuba okutandikawo ebifo bingi ebisomerwamu mu maka. Enkola y'okukyalo evunanyizibwa ku bazadde okulondoola ensoma y'abaana babwe, okubawa obuyinza okutandikawo amaka

agasomerwamu n'okussa ekitiibwa mu nnimi n'ebyobuwangwa. Kino kya kuyamba abaana okusomesebwa ku mirirwano okusinga okutambula engendo empanvu.

ENYINGIZA YA BAKOZI: Okuzimba okusomesa okw'omulembe.

- Omutindo gw'okuyingiza n'okuwandiika omusomesa omunna Uganda gwakutunuulira nkaliriza. Nga amaze okuyingizibwa NUP yeyama okusasula omusaala gwa basomesa abatukana n'omutindo.
- Abasomesa abasindikibwa mu bifo ebizibu by'okutukamu bakuwebwa ensimbi ez'okusasula aw'okusula.
- Wajja kutekebwaawo etteeka erivunaana abayosayosa n'abatuuka ekikeerezi ekiretera okudirira mu nkola y'amasomero.
- Olw'obuvunanyizibwa obunene ba Maama n'abakyala bwe batwala mu by'enjigiriza, ebitundu 50 ku buli 100 ku bukulembeze bw'olukiiko olufuga essomero bwakuweebwa bakyala.
- Olukiiko olufuga essomero n'abazade bakuweebwa obuyinza obukangavvula abasomesa aboosayosa.
- Okulambula Amasomero kwakuzibwaawo kutekebwemu ensimbi ne gavumenti yaffe nga esobola okumanya omuwendo gwa bayizi ne gyebagabibwa mu bitundu by'ensi.

AMATENDEKERO G'EBYEMIKONO:

Gavumenti yasaasanya Obuwumbi 239.931 nga ebuteeka mu kukulakulanya ekitongole ky'eby'enjigiriza (mu kuzimba n'ebikozesebwa) Masomero matono nnyo agakoze obulungi. Ekiruubirirwa mu kukulakulanya amatendekero tekyatukibwaako mu bitundu 28 ku buli 100 ezisigadde zabuulankanira mu byakolebwa.

- NUP eruubirira okukyuusa ebigenda mu maaso, pulogulamu y'ebyenjigiriza etatekeddwamu nsimbi zimala nga ogasseeko n'ebyobusuubuzi, Amatendekero g'eby'emikono (BTVET) agaggulwawo mu mwaka gwa 2016 ne bbanja ery'obukadde bwa doola 100, Ettendekero ly'ebyamafuta e Kigumba (UPIK)project, Albertine project, WB project eyatekebawo ensimbi okukulakulanya eby'ekikugu,ne nsimbi okuva mu mawanga ag'ebweru (OFID), ensimbi ezatekebwa mu kukulakulanya eby'emikono omurundi ogw'okubiri, IDBIII kino kyateeka ensimbi mu masomo ga Technical ne Vocational.

Okukakasa nti pulogulamu zino Abavubuka banna Uganda baziganyulwamu tulina kukola bino:

- Okwongera ku muwendo gwa bavubuka abayingira amatendekero g'eby'ekikugu.
- Okulwanyisa ensimbi ezitalina kyezikola okukozesebwa ku ekyo ekizitegekeddwa.
- Okuzzaawo ensimbi ezewolwa nezakozesebwa bubi zitekebwe mu project gye zalina okukola.
- Okutunula mu nkozesa y'ensimbi ezaali ez'amatendekero ag'ekikugu n'okuzzaawo ezo ezayononebwa ziyambe ku pulogulamu endala.
- Okuyimba, okuzanya katemba ne mizanyo emirala nga omupiira, emisinde byongerwe ku masomo ag'okusomesa.
- Ebitone eby'okuyiia n'eby'emizanyo byongerwe ku binasomesebwa 'curriculum' n'abasomesa batendekebwe wamu nebikozesebwa bibeewo.
- Ebitone eby'okuyiia n'eby'emizanyo byongerwe mu pulogulamu ey'oby'obusuubuzi kiyambe ab'eby'emizanyo n'abayiia okutuukiriza ebirubirirwa byabwe.
- Okumaliriza ettendekero lya Teryet High Altitude Center.
- Okulinyisa omutindo gwe kisaawe kya Akii Bua ne Teryet erudde okumala emyaka musanvu.

EBY'ENJIGIRIZA KU UNIVERSITY

Okukyuusa Sikaala za gavumenti n'okutereza engaba ya loan z'abayizi okulaba nga buli omu afuna omukisa gw'okusasulirwa eby'enjigiriza.

OKUSOMA KW'EKIKULU:

- NUP eja kuwa omukisa abaava mu ssomero nga tebamalirizza okuddamu okusoma.
- Okulaba nga enkola y'okusoma kw'ekikulu ebuna wonna nga wassibwaawo eby'etaagisa.
- Okuwandiisa abayizi ab'omutendera ogw'okusatu basomese okuwandiika n'okusoma banna Uganda ababa batafunye mukisa gwa kusoma.
- Okwongera amaanyi mu kusoma n'okuwandiika okuva ku bitundu 76.5 ku buli 100 (Ebitundu 70.8 ku buli 100 – Abakyala ne ebitundu 82.6 ku buli 100 nga bwekyaali mu mwaka ga 2018)
- Okukendeeza ku butasoma wakati wa bakyala n'abaami. Mu mwaka gwa 2018 baali ebitundu 76.5 ku buli 100 (Nga Abakyala bali ebitundu 70.8 ku buli 100 n'abaami baali ebitundu 82.6 ku buli 100) Omuwendo gw'abakulu abatasomye guli 5,322,655, nga ku bano Abakyala bali 3,429,267 n'abaami – 1,893,389.

ENFUNA YA MAZZI

Ebirubirirwa ebyatekebwa mu ntegeka ya (2018 – 2030), Entegeka ey'okubiri mu byenkulakulana ye Ggwanga wamu ne biragiro by'omukulembeze we Ggwanga (eky'okulabirako- ekifo kimu eky'okufuniramu amazzi ku buli kyallo) birabise obutatukirira. Emiwatwa emingi egiri mu kitongole gisigala nga kizibu kinene naddala mu gavumenti ez'awansi ezizze zitondebwaawo, Abali mu buyinza ne ENR.

Okufuna amazzi ddembe lya buli omu. Ensaasanya ya mazzi amayonjo ekyali ntono nyo ku getaagibwa n'enfuna yaago teyenkanankana.

Ebitundu 54 ku buli 100 ku nsimbi eziva ebweru za kukola ku mazzi n'obutonde. Tukakasa nti singa okukola kweyongera ne tukendeeza ku nguzi, Uganda esobolera ddala okutuukiriza ebyetaago bya bantu baayo. Obwetaavu mu mpeereza ya amazzi amayonjo ne nkozesa byeyongera okutuuka ku bitundu 3.3 ku buli 100 omwaka.

Abantu bangi basenze mu ebibuga ebitono. Ate nga obungi bw'abantu mu Kampala busse (ebitundu 29.4 ku buli 100, okusingako bwekyaali 1994, ebitundu 37 ku buli 100), n'obubuga obulala bukula.

ENKOLA YA NATIONL UNITY PLATFORM

Amazzi n'obuyonjo byetaaga okwekennya ennyo nga kino NUP yerina obumalirivu okukikola. Omuwaatwa oguli mu by'obuyonjo mu gavumenti eza wakati enkadde n'ezakatondebwaawo, gwetaaga kuzibwa. Kino kisoboka singa wabaawo ensimbi eziweebwa abo abatono abasobola okukuuma obuyonjo ku bwabwe.

- Tujja kufuba okulaba nga ensimbi ezitekebwa mu by'obuyonjo teziwambibwa bakirimanyi nga ezatekebwa mu masanyalaze g'ebyalo (Rural Electrification) ne by'obulimi (Plan for Modernisation of Agriculture) bwezabalankanyizibwa.

- Tujja kusembeza amazzi amayonjo tulabe nga wakiri buli maka tegatambula lugendo lusussa ddaakika 5 okutuuka wegali.
- NUP ejja kukendeeza mbagilawo ensaasanya mu bitalina mugaso ebyabalirirwa esobole okwongerera ku mbalirira y'ekitongole kya mazzi n'obutonde kiyambe okutuusa obuweereza ku babadde batabufuna.
- Okwongerera ku nsimbi ebitundu 3 ku buli 100 ezabalirirwa ku kitongole ky'amazzi nga tujja ebitundu 7.7 ku buli 100 ebyatekebwa ku bukuumi.
- Okwongeza ku embalirira y'ekitongole ky'amazzi n'ebuyonjo nga tukendeeza ku mbalirira okuva ku magoba agasasulwa okuva ku mabanja.
- Okulaba nga ebitundu 100% eby'ensimbi ezitekeddwa mu mbalirira zituuka mu kitongole okulabirira ebikolebwa.
- Ensimbi endala ezokukola ku mazzi amayonjo zakuva ku mabanja agasasuliddwa. Oluvanyuma lw'okukebera ebbanja wamu n'ezo eziruddewo okusasulwa ku ezo ezaali zitakozeseddwa mu butuufu, tujja kukkaanya ku magoba agasasuliddwa.
- Abantu okutuusibwako amazzi amalungi ag'okunywa, gattako amazzi ag'emidumu n'ag'oluzzi, Nayikonto n'agakulukuta nga gakuumiddwa bulungi nga gafunibwa mu bitundu ebiri okumpi nga olugendo lwa ddaakiika nga 30 okuva ku bitundu 38.9% (ebitundu 32.4% mu byalo ne 72.5% mu bibuga.)
- Okwongerera ku bifo ebinirwamu amazzi mu District 17 naddala ezibadde ezitalina mazzi ebitundu 55 ku buli 100.
- NUP ekakasa nti ebitundu 100 ku kikumi banna Uganda balina okuba n'amazzi ag'okunywa amayonjo mu bifo ebitali wala n'amaka gaabwe. Tulowooza nti mu myaka 59 oluvanyuma lw'obwetwaaze, Uganda nga ensi yandibadde elubirira okutuusa empeereza eri abantu gyebetaaga nga amazzi g'emidumu eri bonna.
- Okugyirawo ddala enjawulo mu mbeera z'abaana wakati w'ebitundu 60 ku buli 100 abamala obudde bwa ddaakika nga 30 nga bakima amazzi n'abo ebitundu 40 ku buli 100 abamala obudde mu kibiina oba mu mirembe gyabwe.

EBY'OBUYONJO

- Okulinyisa omutindo gw'obuyonjo mu byalo ebitundu 16.6 ku buli 100 ne mu bibuga ebitundu 37.4 ku buli 100.
- Okwongerera ku bikozebwa mukukuuma obuyonjo mu byalo ebitundu 7.1 ku buli 100 ne mu bibuga ebitundu 42.8 ku buli 100.
- Okumalirawo ddala okumansa ebikyafu buli wantu ekikolebwa kati ku bitundu 22.9 ku buli 100 ku bantu b'omubyalo n'ebitundu 12.1 ku buli 100 ku bantu ab'omubibuga.
- Okwonoona obutonde okuva mu Makolero kija kukomezebwa nga tussa engasi ku bayiwa ebikyafu mu migga, ennyanja ne ntobazi.
- Mu bakulembeze obwa NUP ba musiga nsimbi basabibwa okusosowaza obutonde bwe ggwanga nga kye kikulembera mu nteekateeka zabwe. Okwonoona obutonde mu ngeri yenkulakuna tekigya kugumikirizibwa.

ENKULAKULANA MU BY'EBYENFUNA EY'AWAMU

NUP eruubirira okutandikawo gavumenti etajja kutunuulira kakundi k'abantu ab'olubatu abawambye eby'enfuna, essira eriteeke kukulakulana kwa bonna mu byenfuna.

Obwavu bulinnye, nga kati butuuse ku bitundu 21 ku buli 100 wadde nga ebyenfuna birinnye okuva ku Busirivu 64 mu mwaka gwa 2010/11 okutuuka ku busirivu 128 mu mwaka gwa 2018/19.

Obwavu butandikira ku bitundu 6.8 ku buli 100 gyebuli nga butono ne ku bitundu 60.2 ku buli 100, gyebuli nga bungu.

Tunoonya engeri gyetunaatuka ku nkulakulana mu byenfuna nga tutunulidde obugagga n'okugattira awamu ekigendererwa eky'okulinyisa omutindo gw'abannansi n'okugabana eby'obugagga ekyenkanyi.

Mu Uganda, obusuubuzi obwanguyira abantu okukola ebitundu 38.2 ku buli 100 bakyala be banyanyini ne mu Africa okutwaliza awamu. Mu ngeri eyo, Abakyala banyigiriziddwa nnyo olw'enjawulo mu mbeera z'abantu.

ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM

Okujjawo emiziziko egiremesa okukola nga ogasseeko ensimbi entono eziweebwa; nebyetaagibwa ebitamala nga enguudo embi, amasanyalaze agatamala, obukugu obutamala mu bintu ebifulumizibwa amakolero wamu n'ensi ezikola ebintu nga biri ku mutindo gw'awansi.

EBY'OBULIMI N'OBUVUBI

ENTEKATEEKA YA NUP

- Okunonyeza ebyamaguzi obutale
- Okwongera ku mbalirira y'ekitongole ky'obulimi okuva ku bitundu 4.2 ku buli 100 okutuuka ku bitundu 10 ku buli 100.
- Okwongera amagezi mu by'okulima n'obuyambi.
- Okwongera okuteekawo ennima ey'okukozesa ebyuma n'obukugu mu bikungulwa
- Abalimi okusobola okwewola
- Okuzzawo Co-operative Union ne Cooperative Bank.

Okuzzaawo ebibiina by'obwegassi

Gavumenti n'amakolero ag'obwananyini biremeddwa okuzzawo ebyo ebyakolebwanga ebibiina by'obwegassi. NUP egyakufuba okulaba nga ebibiina by'obwegassi bizzibwawo kiyambe okufuna akatale, enteseganya ku miwendo, okufuna ebikungulwa ebiri ku mutindo n'okubunyisa amawulire.

Ebibiina by'obwegasi binabanga n'amaterokero amanene e Mombasa ne awalala, ebikola mu nnimiro ne ebyetaagisa ku kunonyereza ku ensigo.

Okulinyisa omutindo gw'ebikungulwa mu maka nga gafuna ebikozesebwa mu nnimiro

- Tujja kwongera obungi bw'ebikozesebwa mu nnimiro okugeza nga ensigo, ebimusa ne ddagala erifuuyira kisobozese okulinyisa ku bikungulwa. Okunonyereza ku bitakosa butonde kijja kuwagirwa ne nkozesa y'ebyo ebitakosa butonde ejja kwongerwamu amaanyi.
- Kino kijja kukendeeza okukozesa ebiva ebweru, ate nga ebisinga obungi biba bifu oba binjingirire.

Okwongeza ku bungi bwe nsigo ezikolebwa

- Uganda ejjakutuuka okweyimirizaawo mu kufuna ebika by'ensigo eza bulijjo. Okufuna amangu ebiva mu nsigo eza amaka ne zitundibwa ku katale k'ebweru byakusomesebwa nga bwekiba kisobose omuwendo gusinge kuba gwa nsigo ezifunibwa awaka.

Okuzzaawo n'okussa ensimbi mu ebifo ebikebererwamu ensigo

- Tujja kuzzaawo ekkeberero ly'eggwanga ensigo mwezinakebererwanga ne ekkeberero ly'ebiwuka okuva mu nsigo eziyingira okusobola okwewala ebwuka n'obulwadde.

Okuzza obujja entambuza y'emyalo (BMUs)

- BMUs zakuzzibwa bujja okusobola okuyamba abali mu by'obuvubi okwenyigira mu kusalawo ebikwata ku kuvuba.
- Okugyilawo ddala enkayana wakati w'amagye n'abavubi nga mu kino abavubi bakifiriddemu nnyo nga balwana okujja obuyinza ku magye.
- Eddembe mu by'obuvubi lijja kufunibwa mu by'obufuzi bwa NUP.

Okutandikawo empeereza engazi mu by'omulimi

- Okwongera abayigisa ba balimi, mu kifo ky'omuyigisa omu okuba n'abalimi 1,800 kibe nti omuyigisa omu ku balimi 500.

Okusobola okwewola

Okwewola kujja kusoboka singa okwogerezeganya kubaawo ku etteeka erikwata ku mabanja agali mu kitongole kye by'obulimi. Tujja kukebera enkola mu kitongole ky'ensimbi. Tujja okufuba okulaba ebitundu 100% ekya ssente ezibaawo, ziwolebwa okusinga okuzireka mu banka. Wadde nga ensimbi tezikozebwa bulungi, Banka y'ensi yonna ekoze enteekateeka y'okufuna ensimbi eziriwo (ku mabanja). NUP tejja kutwala mabanja gatalina makulu.

Okumaliriza ebifo ky'eby'okufukirira (irrigation)

Okubalirira okwenjawulo ku kifo ekivunanyizibwa ku by'okufukirira okugenda mu maaso, kujja kukolebwa Office y'omubalirizi ow'okuntikko kino kiyambe okujjawo emiziziko mukumaliriza. Awanaba obwetaavu mu by'ensimbi, tujja kujja ensimbi ku ziterekebwa oba ku ezo ezononebwa mu kusaasanya mu bitalimu.

Okuteeka ensimbi ku mbalirira y'amakubo amatonotono.

OKUSUBULA MU NSI Z'EBWERU

Okutunula mu ndagaano y'eby'obusubuzi ezikolebwa n'ensi z'ebweru ne ebigobererwa mu kusubuza ebintu ebikolebwa mu Uganda okuba ku mutindo n'obutabaawo muziziko.

OBU KAMPUNI OBUTONO N'OBUDDIRIRA

Okwongera okwanguyiza okutandikawo eby'obusubuzi nga tukendeeza ku ssente ezisabibwa mu ntandikwa n'obusubuzi nga bugenda mu maaso.

Okusobozesa Abakyala n'abavubuka okwewola nga tutandikawo pulogulamu ey'okusitula embeera z'abavubuka ne pulogulamu y'okweyimirizawo kw' Abakyala mu by'obusubuzi (WEP).

EBIBIINA BYA KATEMBA N'OKUYIMBA

Ebibiina bino bisinga kutandikibwaawo (SMEs) nga bingi ku byo tebiri mu mateeka. Ebibiina bya katemba n'okuyimba ne SMEs okutwaliza awamu bijja kudduukirirwa okusobola okuvunnuka emiziziko mu nkulakulana yabyo.

- **Obukugu n'okutongozebwa:**
Okutendekebwa mu kukuguka mu bya firimu ne by'okuyimba bijja kutunulwamu nnyo. Empisa zijja kuggatibwa ku bukugu obunafunibwa mu kutendekebwa okuva mu Matendekero g'ebyabakugu.
- **Okukwasisa etteeka erikwata ku ebifulumizibwa:**
Abayiiya b'enyimba banayambibwanga okuva mu eteeka erifuga ebifulumizibwa.

OKUFUNA AMASANYALAZE

Obungi bwa masanyalaze agakolebwa bweyongedde okuva 601MW okutuuka ku 1839MW mu mwaka gwa 2020 nga ogasseeko agakolebwa e Bujagali naye abantu ebitundu 22 ku buli 100 be bafuna amasanyalaze.

Uganda eteekeddwa okuba nga ebitundu 100% mu mwaka gwa 2040 amasanyalaze nga gatuuse wonna okusinzira ku pulogulamu ebunyisa amasanyalaze mu byalo. Mu myaka etaano egyijja mu maaso gavumenti etegeka kuwa bannansi ebitundu 60 ku buli 100 amasanyalaze. Naye nga etegeka teraga kino bwekinakolebwa oluvanyuma lwokulemererwa okutuuka kukigendererwa eky'okubunyisa amasanyalaze mu byalo 240,000 mu myaka 10 egiyise.

Enteekateeka eyakolebwa mu 1990 UEB yatundibwa. Kati amasanyalaze gagabwa ekitongole kya Uganda Electricity Generation Company Limited ne Uganda Electricity Distribution Company Limited. Ebbibiro lya masanyalaze ery'e Bujagali, Isimba ne Karuma kati tukola amasanyalaze mangi agasobola okutuuka ku bantu bonna oba okukozesebwa. Kyannaku nti abantu ebitundu 22 ku buli 100 be bafuna empeereza etamala. Kino kitegeeza abaana abasomi abasinga bakozeza tadooba bwe baba basomera eka.

Amasomero agasiinga tegalina masanyalaze. SMEs tezisobola miwendo egisasulirwa amasanyalaze egyekanamye.

ENTEKATEEKA YA NATIONAL UNITY PLATIFORM

Okwongeza obungi bwa masanyalaze mu byalo okuva ku bitundu 7 ku buli 100 okutuuka ku bitundu 60 ku buli 100 mu myaka 10.

Okwongera okubunyisa amasanyalaze mu byalo.

Okuzuula obuwumbi 3, 405,000,000 aba REA zebalemererwa okukunganya okuva ku eyali awereddwa omulimu, ensimbi ezo zitekebwe mu kubunyisa amasanyalaze mu byalo.

OKUYAMBA MU NYINGIZA YA MAKU MU BYOBUKUGU N'OKWONGERA MU BIKOLEBWA.

Okwongera okubunyisa amasanyalaze mu byalo.

Okuzuula obuwumbi 3,405, 000,000 aba REA zebalemererwa okukunganya okuva ku eyali awereddwa omulimu, ensimbi ezo zitekebwe mu kubunyisa amasanyalaze mu byalo.

ENKOLA YA NUP

- Okuwagira enyingiza mu maka nga tuyita mu nkola ey'ekikugu okulinyisa omutindo gwebikolebwa. Omulimu gwaffe omukulu okuvujirira abo abatandika obusubuzi nga tubafunira enkola eyokugoberera mu byenyingiza. Banna Uganda betaaga okukula mu by'obusubuzi.
- Okutegeka enkungaana abakulembeze bateseganye ne gavumenti okwongera okuzuula engeri ensimbi gyeziziyizibwamu okutuuka kubazikozesa. Ebivaamu bijja kuba enkola y'okuyamba enkulakulana mu bantu ba wansi.
- Okukuuma ebyaffe ebyomugaso/ebyamakulu.
- Obwerufu buli awatekeddwa ensimbi ez'okukulakulana ne pulogulamu y'ebyobukugu mu ggwanga okuyamba okusitula Bannansi.

EBIKULU EBISINGA OKWETAGIBWA MU KUFUNA EBIKOZESEBWA

- Kyetagisa MDAs okufuna engeri y'okukozesa ebyuma bikalimagezi ne birala okuva mu katale ak'abulijjo.
- Singa wabulawo ebyo byenyini ebyandyetagsiddwa mu maka, tujja kusaba abasubuzi okuva mu nsi z'ebweru okwegattira awamu n'e banna Uganda abavunanyizibwa ku byenkulakulana.

ENSIMBI EZITEKEBWA MU KWEKULAKULANYA

Eteeka liyisibwe nga likiriza enkola ey'abamusiga nsimbi nga tebatwalibwa gavumenti okusobola okussa ensimbi mu Makolero ag'obwananyini.

ENJAWULO KU KIKULA KYA BANTU MU BY'OBULAMU, EBY'ENJIGIRIZA N'ENKULAKULANA MU BY'ENFUNA.

ENKOLA YA NUP

Nga tulunjamizibwa ebirubirirwa bya bakyala, NUP ejja nkwoongerera okulinyisa eddembe ly'abakyala nga yenyigira mu bino:

- Tujja kussaawo ensimbi okusobola okutuukiriza ebyakkanyizibwaako mu Abuja, engeri y'okukendeeza ku muwendo gwa bakyala abafiira mu Ssanya mu Africa yonna (CARMMA) ne nkola ye ggwanga abakyala abazaala gyebanayambibwa mu by'obulamu.
- Tujja kugoberera enkola eri mu ndagaano ya Africa ekwata ku ddembe ly'abantu ne ddembe ly'abakyala mu Africa n'okuteekawo ensimbi ez'okukyikola.
- Nga twewaddeyo okujjawo emiziziko mu byenjigiriza, okulaba nga ebizimbe bya masomero bitukana n'omulembe nga ne ssomero lirina ebikozesebwa, n'abasomesa nga basasulwa bulungi, kitukakatako okukola enteekateeka enunjamu ku kulinyisa ebyenjigiriza eby'omwana omuwala okuviira ddala mu mambuka ga Uganda ku buli mutendera nga ogasseeko n'abali mu Matendekero ag'omutindo ogw'okusatu. (Tertiary Institutions).
- Tujja kwongerera okukugira eddembe ly'abakyala n'obukuumi ku by'obulamu n'ekitiibwa nga tujjawo ebiziyizo mu tteeka, etteeka erinaba liyisiddwa ne nkola ey'okukuuma eddembe bijja kussibwa mu nkola.
- Engeri yokka okusobola okutuukiriza bino, Minisitule ya Gender erina okuterezebwa.

ABAKYALA KU MIRIMU

- Okuteekawo enkola enayamba omwana okulabirirwa mu bifo awakolerwa eby'enkizo ne bitali.
- Mu mbeera ey'okuwa obuukumi, tujja kuteekawo enkola ey'okukuuma Abakyala obutakabasanyizibwa mu bifo awakolerwa.
- Abakyala okuweebwa emirimu, akasiimo ka kuweebwa akulira abakozi abawa Abakyala emirimu ebitundu 30 ku buli 100.
- Eddembe ku bakyala abatesobola lyakuyisibwa mu mateeka gonna, enteekateeka ne pulogulamu n'okuwa ensimbi okukola ku byetaago byabwe.

Abantu abaliko obulemu ne by'etaagisa mu kusoma:

Abakyala n'abaami abaliko obulemu ba mugaso mu nsi era nga abantu abalala. Okutuukiriza obusobozi bwabwe balina kuba: nga bafuna okusomesebwa, okutendekebwa okugasa n'obutasosolebwa mu bitundu gyebali.

- NUP ejja kussa ebikozesebwa eby'omulembe n'okutendekebwa okw'ekikugu okusobola okuganyulwa mu bantu abaliko obulemu.
- NUP ejja kutekawo enkola y'okukozesa obubonero ne mpandiika y'abamuzibe mu matendekero ge ggwanga ne ku mikolo gye ggwanga.

EMBALIRIRA Y'EBYE'NSIMBI

Okwekenenya Amabanja

Wajja kubaawo omubalirizi w'amabanja okuzuula amabanja agaba gasasuddwa oba agasuubirwa okusasulibwa naye nga tegakirizibwa mu mateeka, tegayisibwa, tegaali matuufu oba nga tegasobola kusasulika. Ensasula ya mabanja ago enemalanga kuteseebwako n'abawozi okulaba oba kisoboka okujjawo ebisatu ebisooka tuterezeemu ekyokuna.

Okukomya okufirizibwa

Obukulembeze bwa NUP bujja kukola ekisoboka okufuna nsimbi ez'okussa mu nkulakulana y'ebyenfuna eyawamu. Tujja kukomya okwonoona n'okufirizibwa okuletebwa enguzi n'obulagajjavu, ensimbi tuziteeke mu kulakulanya projects esigasa abangi.

Ensimbi ezisaasanyizibwa ku bintu nga Entambula y'omukulembeze we ggwanga, ennyonyi ne mmotoka kkumi n'omwenda eziwerekera omukulu bya kwejalabya ebitalina makulu bwetutunuulira ensi ezituwa obuyambi nga abakulu b'azo batambulira mu mmotoka ezabulijjo. Ennyonyi y'omukulembeze ejja kutundibwa nga esuubirwa okuvaamu ensimbi eziwerera ddala obukadde bwa doola 20. Ne zisasaanyizibwa mu buli mwaka mukulambula ebifo obukadde bwa doola 6 bwa kuterekebwa.

Ensimbi ezifuniddwa mu kutuunda amafuta n'eziterekebwa mu buli mwaka zijja kuyamba ku kukendeeza omuwendo gw'Abakyala abafiira mu Ssanya n'abaana nga ebifo awazaalirwa bimalirizibwa n'okuddaabirizibwa wamu n'okuteekawo ebikozesebwa mu malwariro amanene. Ne ddwaliro erizimbibwa e Mulago lyakumalirizibwa.

Tulabye nga omudidi gw'ensimbi ezandibadde zifunibwa buli mwaka Uganda zerina okuzzaawo okuva mu bigiremye okukola zetukyisasula nga ze zino wammanga:

Okukomya okufirizibwa: Okusasulira projects ezitatambudde bulungi

| | Shs. | Doola |
|---|--------------------------|--------------------|
| Ebbibiro lya masanyalaze e Bujagali Project III | 569,710,800,000 | 153,000,000, |
| Bonna basome owa primary | 1,158,039,600,000 | 311,000,000 |
| Amalwariro ga District | 167,562,000,000 | 450,000,000 |
| Project II z'ebyenfuna ne nkozesa ye nsimbi | 287,424,684,000 | 77,190,000 |
| Pulogulamu za gavumenti ez'okusitula omutindo | 75,589,080,000 | 20,300,000 |
| NAADS | 199,212,600,000 | 53,500,000 |
| Project z'okukulakulanya eby'entambula | 655,353,600,000 | 176,000,000 |
| Omugatte | 3,112,892,364,000 | 835,990,000 |

Ensimbi ezafunibwa mu mwaka okuva bitongole ebyatekebwa awamu nga byaggalwa wamu n'ebifo by'obufuzi ebyataliwo.

| | Ensimbi za Uganda |
|---|--------------------------|
| Omusaala gw'abawi bamagezi | 53,000,000,000 |
| Omusaala gwa ba RDC | 15,000,000,000 |
| Omusaala gw'amyuka RDC | 10,000,000,000 |
| Kattikiro | 300,000,000 |
| Omumyuka asooka ow'a Kattikiro | 208,800,000 |
| Omumyuka ow'okubiri ow'a Kattikiro | 208,000,000 |
| Omumyuka ow'okusatu ow'a Kattikiro | 208,000,000 |
| Olukalala lwa emisaala gy'abakozi mu Office ya Kattikiro, | 4,423,980,732 |
| Ebitongole ebyagattibwa ne biggalwa | 1,000,000,000,000 |
| Omugatte | 1,083,350,380,732 |

| Ensaasanya etalina makulu aya buli mwaka | Ensimbi za Uganda |
|--|-------------------|
| | 30,000,000,000 |

| Okuzzaawo ensimbi ezabbibwa | Ensimbi za Uganda |
|--|-------------------|
| Nga tezirabika okuva ku bbanja ly'eddwaliro lya Lubowa | 139,000,000,000 |

Ensimbi ezayononebwa okuva mu nsaasanya ennene eyakolebwa (ku mbaalirira y'omwaka 2019/20)

| | Ensimbi za Uganda |
|---|--------------------------|
| Emisomo n'okukubaganya ebirowoozo | 214,815,958,210 |
| Ensimbi z'okwerabirira n'okwesanyusa | 78,000,000,000 |
| Okujjanjabirwa mu nsi z'ebweru | 53,730,000,000 |
| Obulango | 78,860,000,000 |
| Ebitabo, amawulire n'ebirala eby'ekiseera | 621,730,000,000 |
| Amagoba okuva bbanja ery'ewolebwa | 544,650,000,000 |
| Omugatte | 1,591,785,958,210 |

ETTAKA, EBY'OBUGAGGA EBY'ENSIBO N'OKUKUUMA OBUTONDE

ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM

Ettaka:

- NUP ejja kussaawo obwerufu kubikwata ku ettaka nga emaliriza okukuba ebyapa mu nkola eya digito mu nsi yonna n'okuwandiisa ettaka ly'eggwanga nga tukoze ebyuma bikalimagezi.
- Ensobi n'obukumpanya ebyatandikibwawo mu nkola eya digito zakulongosebwa.
- NUP enaterezanga ensonga z'obufumbo n'etteeka erikola ku kwawukana kw'abafumbo ebintu by'abaami oba Abakyala okukuggirwa mu ndagaano.
- Ebyazuulibwa mu alipoota ya Bamugemereire bya kwekkaanya ne byokugoberera mu kutekesa mu nkola ebyo ebyasalibwaawo.
- Tujja kwekaririza alipoota ya Bamugemereire ne kigendererwa eky'okussa mu nkola ebyazuulibwa.

Okukuuma Obutonde:

Omulembe ogw'onoona obutonde ssi gwe mulembe ogusasulira omuwendo. Ekyo kye kizibu. (bya Wangari Maathai)

- Ekibiina kya NUP kimanyi nti obutonde bwa ffenna kyenkanyi, ababulimu kati babukumira omulembe ogujja mu maaso.
- NUP yeyama okuzzaawo obwananyini ku butonde ne birimu eri abantu ba Uganda babe nga bavunanyizibwa ku kubukuuma.
- Entobazi, Ebibira, Ennyanja, Emigga n'ebirala bijja kukulirwa ebbago lye ttaka naye ssi ebiragiro okuva ew'omukulembeze we ggwanga.
- Singa teriyisibwa mu kulonda okujja, Obukulembeze bwa NUP bujja kuyisa etteeka erikwata ku Ntobazi.
- Emiwaatwa egyabagibwaawo okuwa ebeetu okwonoona obutonde gijja kugyibwaawo nga tukyuusizaamu ku mateeka agabaddewo.
- Okwonoona obutonde kijja kuba musango gwanaggomola n'abo abesenza bakukolebwako nga amateeka bwegalagira.
- Abazzi b'emisango bajja kusasulira ebiba by'ononeddwa mu Ntobazi, okuggala amazzi gyegakulukutira, ebibira n'ebirala ebikwatagana n'obutonde.
- Ebyalo bijja kuweebwa obuyinza n'okusiimibwa nga bilooa abo ababa bonoona obutonde n'abakulu abavunanyizibwa ku kukuuma obutonde bakukwatibwa benyonyoleko kinnakimu.
- NEMA ejja kuyimirizibwa, emirimu gyaayo giddizibwe ekitongole ky'amazzi nga kyekivunanyizibwa ku Ntobazi.
- NFA ejja kubalirirwa n'enkyukakyuka mu bifo ekolebwe okusobola okumalawo enguzi.
- Buli District ejjakuba n'olukiiko olujjuvu olukozi nga luweebwa ensimbi ez'okukola ku butonde. (DEC). Okuweebwa ebifo ku lukiiko olwo, kijja kwetaagisa okukakasibwa olukiiko olulondoozi olw'eggwanga. Abakiise ku nkiiko zino bajja kuvunanyizibwa ku kwonoona kw'obutonde bwe bakulira.
- Entobazi zitekebweko ensalo zilangibwe mu mpapula z'amawulire.

- Ebyapa by'ebibira biwandiisibwe ku district okusobola okukuumibwa obulungi ku lw'ebifo. Kino kijja kuwa Distict obuyinza okukuuma eby'obugagga eby'ensibo okuva ku banakigwanyizi abaweebwa olukusa okuva mu gavumenti eyawakati MDAs. Tujja kuyisa etteeka erigaana okutunda eby'obugagga eby'ensibo eri bamusiga nsimbi nga bwekiri ensangi zino.
- Emirimu gy'okukuuma obutonde gijja kugabanyizibwa ku DECs. Enteekateeka n'amateeka agabadde gakozebwa NEMA gajja kuzzibwa ku kitongole ky'ettaka ne mu kitongole ky'amazz n'obutonde.
- Buli District enabanga bbago erikwata ku butonde okukuuma n'okuzzaawo eby'obugagga eby'ensibo.
- Okuwandiika abakozi abavunanyizibwa ku kugaba pamiti ze Ntobazi ne Bibira kijja kukolebwako.
- Ebikozesebwa mu kusimba bijja kubawo okuyamba mu kusimba ebibira ebisaanyiziddawo naddala mu bifo ebitongozeddwa. Kino kinasasulibwanga ensimbi ezigyiddwa ku bonoona ebibira.
- Amakolero agazimbiddwa mu ntobazi na gakyazimbibwa, gajja kusa engasi eya buli mwaka gwe bamaze mu kifo. Ensimbi ezo zijja kuyamba mu kulamba ensalo n'okuzzizzaawo.
- Enkola ey'obutalanga bifo bikoseddwa mu mawulire erina okudibizibwa kuba eyongera okuwa abesenza omwaganya.
- Okwongera okussa ekitiibwa mu butonde nga lifuuka erimu ku masomo agayigirizibwa mu masomero. Okutandikawo pulogulamu ezikwata ku butonde nokwongera okussa amaanyi n'okolera awamu mu kukuuma obutonde.
- UNMA ya kuweebwa ebyetagisa mu kulabirira enkyukakyuka y'obudde okwetoolola ensi yonna.

Eby'obugagga Eby'omuttaka:

- Tujja kussaawo obwerufu kubikwata ku ettaka nga ebyapa bikubibwa mu nkola eya digito mu nsi yonna n'okuwandiisa ettaka ly'eggwanga nga tukozesa ebyuma bikalimagezi.
- Tujja kulagira ebirombe eby'obugagga eby'omuttaka nga Rupa okukkiriza bannanyini bifo omuva eby'obugagga ebyo okuba ne ddembe ery'okukuuma eby'obugagga byabwe.
- Ekitundu ekimu ku nsimbi eziva mu by'obugagga eby'omuttaka zakutekebwa mu by'obulamu ne byenjigiriza.
- Nga tukolera wamu ne kibiina ekikulira eby'obugagga eby'omuttaka, tujja kufuba okulaba nga ebifo omuli ebirombe nga biwagirwa.
- Nga tukolagana n'abakulira ebirombe tujja kufuba okulaba nga abaana tebakola mu birombe.
- Wajja kubaawo obwerufu mu kugaba olukusa, amannya ga bamusiga nsimbi gajja kulangibwa era bajja kuvunanyizibwa ku bikolwa byabwe.
- Abantu abakola ebintu eby'omulembe okuva mu by'obugagga ebikusike bakutongozebwa n'okuba ne ddembe ly'obwebange.
- Eddembe ku by'obuwangwa nga okukima amazzi, okutyaba enku n'okulunda ente bijja kukuumibwa.

Okuukuma Ebitonde n'Ebirime:

- Okukomya okwonoona ebitonde ebikumiddwa, Emivule, ebinazi ebiri mu district ya Oyam.
- Okulinyisa omutindo gw'enkozesa y'obutonde ne by'obugagga eby'omuttaka

- Onkwongera okulabirira entobazi okuva bitundu 8 ku buli 100.
- Okukendeza okwonoona entobazi.
- Okwawula entobazi n’okulanga mu mawulire.
- Okuzzaawo entobazi okuva ku butundutundu 0.3
- Okulwanyisa enguzi n’obulagajjavu mu kugaba olukusa mu bifo ebikumibwa.
- Okuyisa etteeka ry’entobazi.
- Okutandikawo Kooti evunanyizibwa ku butonde.
- Okukomya ekibba ttaka mu ntobazi, ebibira ne bifo ebirala.
- Okwekenenya projects eziri mukusaanyawo obutonde nga zitudde ku yiika 295.5 ezakakasibwa ekitongole kya NEMA.
- Okumenya amakolera agazimbibwa mu ntobazi.
- Okussawo emitango ku bakozi ba gavumenti abawa olukusa abasiga nsimbi okusaanyawo eby’obugagga eby’ensibo.
- Okuzzaawo n’okukuuma eddembe ly’abavubi abakolera mu Kabarole Crate Lakes.
- Okukomya okwonoona ennyanja ne migga nga bisimwamu omusenyu
- Okutandikawo pulogulamu z’okusimba emiti okwongera ku bibira ebitundu 9.7 ku buli 100.
- Okwekenenya project ya Uganda Clean Cooking Supply Chain Expansion okuyamba mu nkozesa ye bitakosa butonde mu kifo ky’enku.
- Okwongera okutuusa amawulire ku balimi ag’ebigwa bitalaganye nga tuddabiriza ebyuma ebikola kubikwata ku mbeera y’obudde.
- Okwongera okukyuusa ku mbeera y’ensi oluvanyuma lw’okukosebwa embeera y’obudde.
- Okuteekawo etteeka erikola ku nkyukakyuka y’obudde n’engeri gyerinakolamu nga tuyisa ebbago erikwata ku ntobazi.
- Okusaanyawo ebifo ebyalurizibwamu ebyenyanja nga tujja ebyanja ebingi mu Nyanja.

EBY'OKWERINDA MU GGWANGA

ENKOLA YA NATIONAL UNITY PLATFORM POLICY

NUP ekkiriza nti eby'okwerinda bigwa mu biti bingi. Eby'okwerinda tebiriwo kukuuma balabe abava ebweru oba abakola ennumbagana mu ggwanga munda. Ekyakagwaawo kitulaze nti eby'okwerinda bye ggwanga bitwalizaamu n'obukuumi ku ndwadde nga Ebola ne Ssenyiga Omukambwe. Era bigattako n'obukuumi ku biwuka nga enzige n'obuwuka obutono obwalumba amagye, n'enkyukyuka y'obudde nga amataba g'omwaka ne njala ebinyinza okukosa emirimu gyaffe wamu obulamu bwaffe.

Eby'okwerinda by'eggwanga bivunanyizibwa okukuuma abantu balyo ku biyinja okubatakako okugeza nga, ebbula ly'emirimu, obwavu obumaamidde wonna, ebbula ly'ebyokurya eby'omugaso mu bulamu n'obutali butebenkevu obuletebwa bbo benyini. Eby'okwerinda tebisobola kutambula bulungi awatali nguudo, amafuta, emmere emala, ssente ezimala n'abantu abagaliza.

Okuterera nga eggwanga tulina kulaba nga ebyenfuna bitebenkedde nga tewalikyali mabanja gasasulibwa.

N'olwekyo, omutendera ogusooka okusobola okukuuma eby'okwerinda by'eggwanga kwekulaba nga ensimbi z'eggwanga zitekebwa mu nkulakulana y'ebyobulamu.

Obukuumi eri obulamu bw'abantu. Police n'amagye ebeerawo okulaba nti kino kikulwebwa, Enguzi efeebya eby'okwerinda by'eggwanga. Ekyennaku mu nsi yaffe, eby'okwerinda biriwo kukuuma gavumenti n'emikwano gyaayo mu kifo ky'abantu. Abanene mu ggwanga balaba nga ebisoomoza abangi balina kubigonjoola nga bongera okutendeka abwakasi b'emmundu. Omukisa guno gwaweebwa ba musiga nsimbi okuva ebweru abagusaba.

Police kyeremeddwa okukola kwe kulwanyisa abali b'enguzi. Police yakyuuka okuva mu kuweereza omuntu wa bulijjo nedda mu mirimu gya maggye. Amaggye ggo gafuuka kyakulwanyisa gavumenti kyekozesa mu kutiisatiisa bannansi okukkiriza obwavu obweyongedde, ebirwadde ebisukiridde nebbula ly'ensimbi ze ggwanga.

TUZZEWO EKITIIBWA KYA POLICE EKYAGGWAAWO:

Obuvunanyizibwa obusinga obukulu obwa Police ya Uganda (UPF) kw'ekutereza n'okukuuma amateeka, ebyo gwe musingi okuzimbirwa ku demokulasiya omunywevu n'amateeka agafuga. Ate nga UPF ekyakolera kunkola z'aberu. Bwe yatandikibwawo mu 1899 nga Eggye etendeke erya Uganda, omulimu omukulu gwaali gwa ku kukoma ku abaali balwanyisa enfuga bbi ly'aberu mu kifo ky'okukuuma bannansi ne bintu byabwe.

Entegeka yonna yali nti abakulu mu by'obufuzi be balina okuba n'obuyinza ku police. Yali nkola y'aberu okuwereza abaserikale mu bifo ebyesudde okuva ku maka gabwe, empisa zaabwe gyezitajja kulondolebwa. n'okusikirizibwa embeera okuva ku byalo byabwe. Ekyavaamu police nga erina kusula wamu mu Balakisi eziri ewala n'egyebazalibwa gyebafunira emmere etabamala. Ensasaanya etekebwa mu kusuzza abaami n'abakyala abali mu mitwalo 44 ekendeeza ku nsimbi ezandibadde zizimba

amayumba amalungi n'omusaala ogubaweebwa. Okusobola okwetusaako ebyo byebandyetaaze mu bulamu nga batuusa obuyambi ku Bantu babwe bebaleka ewala, police esalawo kutandikawo ebintu ebiyinda okuvaamu ku ssente nga muno mulimu okulya enguzi n'okukola ebikolwa ebimenya amateeka. Alipoota ya Sebutinde yalaga ebikolwa eby'obukambwe ebikolebwa police ne bannabwe bwebenkanya ebitibwa.

Ensimbi ezandibadde eza UPF ate zikendezebwa nga watondebwawo obufu obutonotono obukwasisa amateeka nga ababukoleramu bavunanyizibwako olukala lw'abakulu abali ebweru wa UPF naye nga endabirira yabwo eteekebwa ku mbalirira ya police.

Embeera eno eleetawo obukubagano obw'amaanyi ku lw'ebifo ebusulwamu ebirungi, mu ngabana y'ebikozesebwa, okulabirirwa mu by'obulamu, okusiimibwa n'okukuzibwa ekiviramu okwekyawa mu by'obufuzi n'ebikolwa eby'obukambwe ebutuusibwa ku bayizi n'ensi yonna byetulaba kati.

Abakulembeze baffe bonna ababaddeko ye nkola gyebabadde bakozesa n'enzimba ya police okugenda mu maaso n'okutendeka ab'apolice etakonwaako n'ebigendererwa ebyabawagizi babwe. Mu bukulembeze bwa NRM, UPF ebadde efuuse ekibiina eky'obukambwe, obutaba n'abantu bulamu n'okuba abali b'enguzi.

Tulina okuzzaawo ekitiibwa kya UPF nga ekitongole eky'omulembe gw'abantu abakenkufu mu kukuuma bannansi.

EBIKOLWA EBY'OBUKAMBWE MU GGWANGA N'AMAGYE

ENKOLA YA NUP

Okukyuusa mu Police: nga tuzimba mpereza ya police ey'eyimirizaawo, ey'omulembe, ekuguse mu mirimu gyayo nga efa ku Bantu.

- NUP erina ekigendererwa ky'okukyuusa erinnya n'obuyinza bwa Police ya Uganda (UPF) livemu lifuuke Obuwereza bwa Police ya Uganda. (UPS)
- Okwekenenya Etteeka lya Police okunyweza enkola ya police eyetengeredde.
- Okujjawo okutya wakati wa UPS n'abakulembeze kino kijja kwongera okunywezebwa okusitula embeera ya maka g'abasirikale n'okutereza mu by'okuwandiisa abakozi wamu n'okubakyuusa.
- Okulaba nga okuwandiisa abapya kutukana n'obuyigirize obwetaagibwa ne kikula ky'omuntu.
- Okulaba nga obuyigirize n'ekikula ky'omuntu tebilekwa bbali naddala mukulabirira obufu obutono obuvunanyizibwa ku tyoboola eddembe ly'abantu n'okuttatana ekifananyi kya police.
- Okuteekawo enkyuukakyuka ey'amangu mu mbeera z'okukola, okuba obulungi eri abaami n'abakyala abali mu uniform.
- Abaserikale bajja kuvunanyizibwa ku nsimbi ezibalankanyizibwa gavumenti eziva mu mitango egiweebwa bannansi.
- NUP ejja kusaamu amaanyi mu by'obutebenkevu ku byalo okulaba nga wabaawo enkolagana wakati wa UPS n'abantu ab'omukitundu gy'ebawereza.

- Nga omuweereza w'eggwanga, omukisa oguweebwa police gwakujjibwa ku oyo anazuulibwanga nga yenyigidde mu buli bw'enguzi oba okukozesa obubi obuyinza. Abaserikale bajja kuvunanyizibwa ku nsimbi ezibalankanyizibwa gavumenti eziva mu mitango egiweebwa bannansi.

Okukyuusa mu Magye

- Nga bwe kiri mu police, n'amaggye gakukyuusibwa gabe agawa bannansi ekitiibwa era agesigibwa mu buweereza eri bannansi, nga gassa ekitiibwa mu nkola yaago ne bassekinomu abaweerezamu.
- Mu bukulembeze bwa NUP, UPDF tesubirwa kukuuma bakulembeze bali mu buyinza wabula okukuuma amazima ag'eggwanga. Amagye gajja okuyigirizibwa gakomye okutiisatiisa bannansi.
- Abavubuka abayingira amagye basubirwa okufuna omusaala ogutegerekeka n'awokusula. Wajja kubaawo omukisa okweyongera okutendekebwa mu masomo amalala nga bayita mu kuweereza mu magye.
- Endaagano gyetunakola neggye lya UPDF ejja kubetaagisa okukuuma abantu ne ddembe lye by'obufuzi eri banna Uganda.

Ebiggwa Bitalaganye

Ebyokukola

- Okukakasa nti ekitongole ekikurira enkyukakyuka y'obudde kirina ebikozesebwa buli kadde.
- Okuteekateeka ebifo bya Kalantini nga bukyali ebinayamba nga waguddewo ebirwadde ebikambwe. Ebifo ebyo binayamba ku banonyi b'obubudamo nga embeera y'obudde ekyuuse neretera abantu okubundabunda.
- Okuwandiika abakozi abakola ku kunonyereza ku birwadde n'ensaasana yabyo nga balawuna district zonna. Omulimu guno kati, gulimu abakozi batono.
- Ekikulu, obukulembeze bwaffe bujja kufuba okulondoola etteeka erikwata ku nsimbi z'eggwanga n'okukuuma omutemwa ogw'okukola ku biggwa bitalaze, gavumenti eriko kyebadde tekola.
- Okutendeka n'okuwa amagye ebyetagisa okusobola okuyamba ne mu bitongole ebirala ebya gavumenti ngaeky'obulimi n'ekyobulamu okutaasa ebiwuka n'endwadde eziba ziguddewo.

ENKOLAGANA N'AMAWANGA AG'EBWERU

Eddembe n'ebyo'okwerinda

- Tujja kussaawo eddembe ly'ababundabunda nga tukolera wamu mu bwerufu n'abavunanyizibwa okuva mu nsi z'ebweru mu biba bikalubye.

Enkolagana ne East Africa ne Africa okutwaliza awamu

- Obukulembeze bwa NUP bujja kufuba okulaba nga eby'obufuzi n'ebyenfuna bitambulira wamu mu Africa. Okwegatta kwaffe kujja kusinga kutuunulira ebizibu ebigwaawo embagilawo n'entambula ey'omubitundu.

Enkwanaganya y'ebizibu ebigwaawo

- Okwegatta kujja kwetaaga abegassi mu mukago gwa East Africa okukolera awamu okusitula embeera y'ebyobulamu n'okulwanyisa endwadde n'ebiwuka ebikambwe.

Entambula Ey'omubitundu bya East Africa

- Entambula yetolorera ku bya kwerinda nga bwekirabise okuva mu bugayavu Uganda bweyolesezza mu kulwanyisa Ssenyiga omukambwe. Enkola eno ey'omugaso ennyo ebadde ekwatibwa bubu okuva mu mwaka gwa 1986.
- Obukulembeze bwa NUP bujja kusazamu SGR buzimbewo oluguudo lwe ggaali y'omukka eya East Africa olunayamba okusabaza ebyamaguzi e Naivasha mu Kenya, ne Tanzania ne ku nsalo za Rwanda, DRC ne S. Sudan.
- Tujja kukyuusa mu ntambula y'oluguudo lw'eggaali y'omukka ne ntambula y'okumazzi kuba bye biri ku beeyi eyawansi, byanguwa ate sibyalulabe eri obutonde. Ate bitaasa ne mbeera y'enguudo zaffe.

Obukuumi ku Banna Uganda abali mu nsi z'ebweru.

- Ensi nga bweyeyongerera okkula, n'okutambula kw'abantu baffe kweyongedde. Tulubirira okuyamba kuntambula ezo ezitaliko kkomu wamu n'okuwa obukuumi ne ddembe ly'abantu yonna gye baba bagenze, nga tweyambisa enjuyi zombi ne njuyi endala nyingi eza office n'ab'enganda.
- Uganda lyerimu ku mawanga 5 agasooka agafuna ssente okuva ku Bantu abali mu nsi z'ebweru. Ensimbi zino akawumbi 1.3 omwaka zenkanankana ne nyingiza okuva mu bulambuuzi. Singa tewali Banna Uganda bagenda mu nsi z'ebweru, gavumenti yandibadde tekyakola.
- Ate gavumenti yaffe teyabayamba webali betaagira obukuumi nga bagobeddwa mu mbeera ey'okugobaganyizibwa mu kiseera ekya Ssenyiga omukambwe. Era gavument teyabayamba kubaweereza ennyonyi okubajjaye eri abo abaali baagala okudda. NUP yeyama nti kino tekiribaawo mulundi mulala. Mu bwangu mu bakulembeze obwaffe tujja kunoonya enkolagana n'amawanga eg'ebweru. Banna Uganda abali ebunaayira balina okuweebwa eddembe

ly'obuntu, okussibwamu ekitiibwa nga bannaffe abava mu nsi z'ebweru kyebawebwa nga bazze okwaffe.

Okuziyiza Enguzi okuva mu Bakungu ab'omunsi ez'ebweru ne misango emirala

- Enkola ey'okufuna ssente mu ngeri etali nnambulukufu okuva mu mawanga ag'ebweru eyavuwazza Uganda. Tujja kufuba okulaba nga ababikola bavunanibwa mu mateeka n'okukomya emize egyo.
- Tusubira omukago gw'ebyenkulakulana gunakangavvula n'okusasuzza abakungu abali b'enguzi kino kiyambe okuzzaawo ensimbi zetufiirwa nga ziterekebwa mu bank n'ezitekebwa mu kuwoza emisango gyabwe. Tujja kulagira abakungu abali b'enguzi bawerebwe okutereka ssente mu bank n'okuteeka ensimbi ezitali mu mateeka mu by'obugagga byebalina munsi zetukolagana nazo,

Obusuubuzi okuva mu nsi z'ebweru

Obukulembeze bwa NUP bujja kufuba okufuna enteseganya mu by'obusuubuzi n'amawanga amalala okusobola okutuuka ku bigendererwa by'eggwanga awamu nebitundu ebyetolodde.

Tujja kuteseganya n'omukago gwa East Africa, Amatwale ga Bulaaya n'emikwano emirala okulaba ng'ebyamaguzi bya Uganda bitundibwa mu butale bwabwe.